| Essomo 4 | الدرس الرابع |
|---|---|

# Okuyimililawo kwenkomelero wamu nobubonelo bwayo.

Allah teyatonda nsi eno nga yakubelawo lubeelela wabula egenda kutuuka ekiseera egwewo era olunaku olwo lwelunaku olugenda okubeera olwenkomelero. Nga bw'agamba Allah mu surat Gafir aya 59 egamba nti.

Agamba nti: ***"Mazima olunaku lw'enkomelelo lujja kujja telulinamu kubuusabuusa naye abasinga obungi mubantu tebakkiriza".***
Era n'agamba mu suratu Sabai aya 3

Agamba Allah nti: ***"Nebagamba abo abakafiiri nti enkomerero tegenda kubeerawo bagambe nti nedda mbalayirira Allah omulezi wange lugenda kujjira ddala olunaku olwo olwenkomelero".***
Era enkomelero eno eri kumpi nga Allah bweyagamba mu surat Qamar aya 1 engamba nti:

Agamba Allah nti ***"Enkomelero esembedde..."***
Era nagamba Allah mu suratu An-biyaae aya 1-5

Agamba Allah nti ***"Ekiseera kyabantu kyokubalibwa kituuse naye bbo bali mu mugayaalo beesuliddeyo gwa nagamba"***
Wabula okutuuka kwakyo tekuli mukugelagelanya kwa muntu wadde ebyo byasobola okutuukako mukumanya kwe nga omuntu, wabula ekyo kili kuludda lwa Allah yekka.
Kuba kyatekwa omumanya nti olunaku lw'enkomelero luli mubintu Allah byeyesigaliza okumanya ddi lwelulibelawo era natalumanyisako muntu yenna mubitonde bye. Era nga bwagamba Allah mu suratu Ahzabu aya 63

Agamba Allah nti: ***"Bakubuuza abantu ebikwata ku nkomelero bagambe nti mazima okumanya okukwata kunkomelero ddi lwenebaawo kuli eri Allah, naye omanyiki oba olyawo enkomelero neba nga eri kumpi nyo ddala".***
Era bwatyo omubaka (SAW) yanyonyola obubonero bwayo era obulaga nti eneetela okutuuka nga nemubwo mwemuli okuvaayo kwa Masiihi-Dajjaalu nga naye agenda kubeera kikemo kinene eri abantu, kuba Allah agenda kumusobozesa okukola omuntu byatasobola, olwonno akeme naye bangi mubantu kuba ajjakulagila enkuba okutonnya era etonye, alagile ebimela okumera era bimere, azuukize abafu nebilala ebitali ebyo mubitali byabantu babulijjo. Era yamutenda nabbi (SAW) n'ebitendo ebimuliko n'agamba nti wa liiso limu agenda kujja nekyefananyiriza ejjana, naye nga nekyefananyiliza ejjana gwegulibeera omuliro ate ekyo ekiriba kyefananyiriza omuliro yelibeera ejjana.
Era agenda kuwangala kunsi ennaku amakumi ana naye nga olunaku olulisooka lugenda kubeela nga mwaka, ete oluliddako lwenkane omwezi, ate oluliddako lwenkane wiiki, ate ezisigadde zibeele nga enaku zaffe zino ezabulijjo. Era tewali kanyomero konna munsi wabula ajja kukatuukamu okujjako Makka ne Madiina.
Era n'akalala mu bubonero bwenkomelero kwekukka kwa Isa mutabani wa Mariam nga akkira kumunaara omwelu ogulibeera e Damashiq era nga ajja kukka mukiseera kya swala ya Subuh asaale n'abantu oluvanyuma anoonye Dajjal amutte.
1. Era n'akabonero akalala kwekuvaayo kw'enjuba nga eva ebugwa njuba olwono abantu baligilaba abatali bakkiriza naye nga okukkiriza mukiseera ekyo kuliba tekukyagasa. Era n'obubonelo obulala bungi kulunaku olwo olwenkomelero.